## MAAMA ASUDDE OMWANA E BULENGA

POLIISI e Bulenga, eri mu kuyigga maama asudde omwana ow'ekirira mu nsiko, ye n'abulawo. Omwana ono nga mulenzi, asuuliddwa e Bulenga mu Kikaaya mu disitulikiti y'e Wakiso ng'akyaliko n'omusaayi nga kisuubirwa nti, abadde yaakazaalibwa. Alabiddwa omukyala Annet Namaganda omusuubuzi ng'abeera Kikaaya nga yabadde ne muliraanwa we kwe kumulongoosa n'atwalibwa ku poliisi e Bulenga. Omwogezi wa poliisi mu Kampala, Recheal Kawala, ategeezezza nti, bamukwasizza ekitongole ekirabirira abaana ng'omuyiggo gwa maama eyazadde n'asuula, gugenda mu maaso.